CARING HEART BREAKTHROUGH MINISTRIES
KAGGULA HILL
15 MILES HOIMA ROAD
P.O.BOX 27799 KAMPALA TEL 0772410413

EMISOMO GY'ABASUMBA BA UGANDA

MUKUTULANSANJA 2016

Laba awasa omugole ajja.

Genda oyogerere waggulu

Genda oyogerere waggulu mu matu ga Yerusaalemi, ng'ogamba, nti Bw'atyo bw'ayogera Mukama
(Yer 2.2)

Werinyire ku lusozi oluwanvu.... Yimusa eddoboozi lyo n'amaanyi;
Liyimuse, totya; (Is 40.9)

Yogerera waggulu, tota, yimusa eddoboozi lyo ng'ekkondeere, (Is 58.1)

Ki kye naayogerera wa ggulu?

Eddoboozi ne rigamba, yogera. Era nagamba nti ki kyenaayogera? (Is 40.6)

Eddoboozi ly'oyo ayogerera mu ddungu, nti muteketeeke ekkubo lya Mukama (Is 40.3)

Era ekiro mu tumbi ne waba oluyoogaano nti Laba anaawasa omugole ajja! ;

Mufulume okumusisinkana... n'abo abaali beeteeseteese nebayingira naye mu mbaga ey'obugole: (Mat 25.8).

Bino ebiwandiikidwa tebimaliddwayo oba tebiwandiikidwa mu bujjuvu.

Bifunzidwa mu ngeri ya kusirisa

Ku lwabo abanayinza okubaawo awanaabeera okuyigiriza kuno.

Ekibirubiridwamu kwe kuwa ebyawandikibwa mu bungi nga bwe kisoboka okusobozesa oyo anaba

Asoma yeka / obw'omu asobole okwongera okuyiga.

ENYANJULA

Kubanga n'akagombe bwe kavuga eddoboozi eritategeerekeka, ani alyeeteekateka ….? (1 Kol 14.8)

- Buli kintu kyonna kiteekwa okuyimirira ekondeere eryaabya amatu bwerivuga.Eddoboozi liwa biragiro kubeera bulindaala, kukuŋŋaana wamu, okwetegekera olutalo oba okwetegekera okukumba /okutambula.

Obwetaavu bwokwetegekera okujja kwe: Si bonna nti banaaba betegefu

- Lunaku nnabaki luno n'obubaka bwalwo? Mufulume okusisinkana anawasa omugole ajja (Mat 25. 6).
  - Oluwalo lw'**abaweereza** kwekutwaala abantu mu kuba abeteefuteefu (Kigerageranye ne Luk 1.17; Mak 1.2-3).
  - Oluwalo lw'**abantu** kwe kweteekateeka (Kub19.7; 21.2).

- Okusinga ennyo, essira lissibwe ku Mat 24-25, ku kutunula, kulaba n'okuba abeetegefu ku kujja, Okusinga ku bubonero bwakwo.

- Eky'akabi: Bayibuli erabula nti nga Abayudaaya bwebataali betegefu, ku kujja kw'awasa omugole Omulundi ogwasooka, Era ne Kkanisa ya bannamawanga bw'eriba bwetyo nga teyetegese Ng'okudda okwokubiri tekunabaawo.

- Ku kujja okwasooka, abo abayitibwa ku mbaga ey'obugole tebaalina byambaro bisaanira
  (Mat 22. 11-14).

- Abayudaaya okutwalira awamu baali:
  - Tebaamusembeza (Yok 1.11)
  - Bazibe era abazibibwa ddala amaaso (Mat 15.14;Yok 9.39-41;12.37-40)
  - Bagaanibwa (Mat 8.11-12;21.43)
  - Abenzi (Mat 12.39; 16.4) (kigerageranye ne Yak 4.4).

- Mu ngeri yemu ku kujja okw'omulundi ogwokubiri, okutwalira awamu ekkanisa eri bweti:
  - Ebulwa ebyambalo ebituufu;eri bweere era ensonyi zaayo tezibikiddwako (Kub 3.17-18)
  - Njeemu,ereka etteeka lye; Kristo (Ekigambo kya Katonda) alekebwa ebweeru (Bas 2.3; Kub 3.20)
  - Nzibe era yazibwa amaaso, yalimbibwa (Kub 3.17-18; 2 Tim 4.4; Mat 24.24)
  - Erekeddwa olw'embeera yayo ey'okunnyogoga so nga tennyogoga,eyokya so nga teyokya (Kub 3.16) (kigerageranye ne Bar 11.18-22)

- Okubeera ng'onnyogoga ate nga tonnyogoga,oyokya so nga toyokya, ekyo kiba kubulwa kwagala okwasooka, kwekugamba, Okwaagala kw'Ekigambo Kya Katonda (1Yok 5.3)
  - Okuba ngoli mwaavu mu mwoyo, kitegeeza obutaba na kukkiriza okutuufu

(Kub 3.17-18; 1 Pet 1.7; Luk 18.8)

- Okuba owensi, buba butali butukuvu (2 Tim 3.1-5)

- Okwaagala ensi kwe kwenda mu mwoyo (Yok 4.4;1Yok 2.15)

- Oluyogaano olw'ekiro we lujjira, nga n'abawala 10 embeerera n'abo beebase (Mat 25.6).
  - Nekisingako obubi, nabamu kubbo nga tebalina mafuta (Mat 25.8).
  - Abo bokka abaali betegese era abaalina amafuta be baayingira (Mat 25.10).

Okwoolesebwa kwa Wm Branham: okulaga awasa omugole bwaliba

- **Ekkanisa eyasooka**, mu ngoye ez'amawanga agenjawulo.
  - Ezitali zakweraga bitiibwa na bugagga, naye ezibikka obulungi omubiri obutesitaza muntu yenna, nga batamburira ku kwewaayo n'obumalirivu obwekirokole.

- **Ekkanisa ezaatula mu kiseera eky'enkomerero**, boogera nnyo ku busobozi bwabwe n'ebyo byebalina, enyambala mbi eyesittaza (nkunamyo), era bazinira ku nnyimba z'ensi.
  - Eno yatambula ngeyambuka waggulu ku lusozi awali ebbanga ly'olukko oluwanvu era bwetyo neyiika negwaayo.

- **Ekkanisa entuufu ey'omulembe ogw'oluvanyuma**, Eyambala engoye ezibikka obulungi teyegulumiza, etambulira ddala ng'ekkanisa eyasooka.

- Ng'okwolesebwa kuno kukomekerezebwa, e Kkanisa eno yatandika okwambuka mu bbanga.
- Naye abamu ku bakyaala abaali emabega eky'okussa omyoyo ku kyebakola bakivaako nga batunuulira e Kkanisa ey'omulembe eri awo okubetoloola era ne bava ku ntambula entuufu eyabaweebwa.
- Okwoolesebwa kwafundikirwa nga WB abalekaanira, waggulu nga bwabagamba nti "Temugeza kukola ekyo!! Musigale mu lunyiriri!! Temuta ntambula yamwe!"

OKULONDOBA

OKUNOONYA N'OKULONDA OMUGOLE: MUKAZI NNABAKI?

1. **Okunoonya n'okulonda omugole nsonga nkulu ddala.**

Okulonda omugole omutuufu

- **Isaaka (Lub 24)**
  - Omuddu aweebwa alaalikibwa eky'okukola ng'era kisibiddwa n'ekilayiro (oluny. 2-9):
- Ateekwa kuba mukazi wa kikula kituufu, atali muKanani (oluny 3).
  - Omuddu mwesigwa era eyewereddeyo ddala eri omulimu ogwamutumibwa (Oluny 32-33; 54-56).
  - Awasa omugole kululwe, omugole amulaba ng'ekyobusika bwe, era amuwa ebirabo ebizito n'engoye (Lub 24.10, 36, 53).

- **Eseza (2.2-3)**
  - Ebifo eby'enjawulo byassibwaawo okukola okunoonyereza mu bitundu byonna okufuna abantu abatuufu abanalondebwako.
  - Omukungu owokuntikko ddala yaweebwa omulimu okuba n'obuvunanyizibwa, kwabo abalondebwa,

- Okubakuuma eri ekintu kyonna ekyandyonoonye okweyawula kwabwe oba obulongoofu bwabwe.

- Okubawa buli ekyetagisa mu kulongoosebwa kwabwe okubateekerateekera okwanjulibwa eri Kabaka (Es 2.3, 9, 12-13).

Okulonda omugole.

- **Yokaana omubatiza** ateekateeka omugole ng'okujja okusooka tekunabaawo
  - Yalondebwa okuba mukwaano gw'awasa omugole ku kujja okwasooka (Yok 3.29).
  - Yali avunanyizibwa okuteekateeka abaana ab'omu mbaga ey'obugole (Mat 9.15).
  - Atya? Na Kigambo n'omyoyo:

- Yajjula omwoyo okuva mu lubuto lwannyina ng'aweereza mu maanyi (Luk 1.15, 17).

- Nnabi asinga obukulu, oyo eyajjirwaako Kigambo (Mat 11.9-11; Luk 3.2).

- Ekigambo kye kyaali tekitya, kyamaanyi era kikyuusa /kirongoosa (Mat 2.1-12; 11.7-9).
    - Awasa omugole yasanyusibwa n'ebyaava mu buweereza bwa nnabi (Yok 3.29).

- Pawulo (era nabaweereza bonna abendagaano empya abatuufu) abateekateeka omugole ow'ebiro byabwe olw'okudda okw'omulundi ogw'okubiri
    - Pawulo yalina okuyayaana mu kurubirirwa kwe okw'okukuuma emisango gye nga tegyonooneddwa era n'obutasendebwasendebwa ddoboozi ddala lyonna (2 Kol 11.2-3; Bak 2.4, 18, Bar 16.18).
    - Lubeerera yalinga amanyi era nga alaba eby'olunaku kweyandyanjulidde omukazi eyamwesizisibwa eri bba agenda okumuwasa (Kol 1.28; 1 Bas 2.19).

Endagaano ey'okuwasa /obufumbo.

- Obufumbo nga tebunaba kutongozebwa, abaagalana abibiri bakola endagaano y'obufumbo. Mukiseera ekyo,
    - Omugole omukazi aleka ebintu byonna ku lwa bba (Lub 24.58;Zab 45.10-11)
    - Endagaano eri mu buwandiike ey'obufumbo eyinza okubawebwa (Beb 6.4+Bef 1.13-14)

- Awasa omugole agaba ebirabo (Lub 24.53 kigerageranye 1 Kol 12.4;Bef 4.8)

- Oluyingira mu ndagaano ey'okwogereza, era nga wadde tebanatuuka ku bufumbo, abaagalana ababiri baatwalibwanga ng'abafumbo (Luk 2.8).

- Mu ndagaano enkadde ekibonerezo eky'obutaba mwesigwa eri omukyaala, omwaami oba munno gw'oyogereza oba akwogereza, kyaabanga kye kimu ng'ekyo ekyawebwanga abafumbo abatali besigwa (Ma 22.24).

2. Mukazi wangeri ki awasa omugole gwaanona?

- Olugero lwa Wm Branham olw'omusika owa bbiizinensi engagga mu US nga anoonya omugole.
  - Abakyaala abalina ekisa abeyanjula gyaali.
  - Ekika ky'omukyaala ye gweyali anoonya.

- **Omugole ow'ekkanisa eyasooka**, nga Pawulo bweyatya, yasendebwasendebwa (2 Kol 11.3-4)
  - Ng'omugole eyasooka, Kaawa (Lub 3.1-4), yasendebwasendebwa eddoboozi/ekigambo ky'omulala.
  - Yaleka okwagala kwe okwasooka, kwekugamba ekigambo ekiberyeberye kye yawulira mu ntandikwa (Kub 2.4; 1Yok 5.3; Yok 14.15; 2 Yok 6).

- Okuva mu kiseera ekyo, okusendasenda kweyongerayongeramu mu bubi (2 Tim 3.13).

- Okusendasenda mu kiseera eky'enkomerero, kwekukyasinze okuba okungi mw'okwo kwonna okwaali kubaddewo (1 Bas 2.9-11; Mat 24.4, 11, 24).
    - Kususse obungi Yesu n'atuuka n'okubuuza oba alisanga okukkiriza ku kudda kwe (Luk 18.8).

- Okujja kw'awasa omugole kusembedde nnyo. Naye mu kiseera ekyakabi ennyo mu myoyo, omuli amaloboozi amanji agasendasenda era amalimba, ekkanisa ey'omulembe omuggya eneeba esaanidde okwanjulibwa gyaali?
    - Ekkanisa anagisanga ng'ekkirizibwa?
    - Anoonya mukazi wangeri ki /gwanona?

Omugole omulongoofu, omutukuvu, eyayawulibwa, embeerera alina okwaagala.

- Tanonona muntu atalina ku kkiriza, ayekulubeesa nabalala oba malaaya, alinga omugole atali mutuufu, Babylon atategerekeka, maama w'abenzi, n'endabika ye ey'okwetonatona kungulu mu mabala amangi (Kub 17.4).

- Naye Ajja okunona Yerusalemi ekitukuvu (21. 2;9-11, ku lwabo:
    - Embeerera, kwe kugamba atakwatibwangako musajja yenna (Es 2.2;Lub 24.16;Mat 25.1-13)
    - Atayendangako, omulonfoofu, atayonoonebwa (2 Kol 11.2)
    - Eyafumbirwa omusajja omu yekka, oyo awasa omugole (2 Kol 11.2;Jn 3.29)
    - Amalirira okuleka byonna ku lulwe (Lub 24.8,57-58; Ps 45.10; 1Pet 1.8;Luk 14.26)

Eyawukana etya ku kkanisa eyatula ey'ekiseera eky'oluvanyuma bw'ogigerageranya!

Ey'ekiseera eky'oluvanyuma Bweti bweri:

- Etambula ng'ensi bw'etambula (2 Tim 3.1- 4.4)
- Ennyogoga tennyogoga eyokya teyokya (Kub 3.14-22)

Etambula ng'ensi bw'etambula

- Ekkanisa eyatula ey'ekiseera eky'oluvanyuma:
  - Teyawuliddwa , si ntukuvu, enyooma ekirungi, obulungi bwaayo bulabika kungulu kwokka, si yaddala (2 Tim 3.1-5)
  - Yeyisa ng'ensi, yeyagala yokka, eri mu kunoonya ssente n'amasanyu okusinga bw'enoonya Katonda (2 Tim 3.2,4)

- Obugagga n'amasanyu bigoba ekigambo mu mutima (Luk 8.14).

- Okwagala ensi kwe kwenda mu myoyo, obutaba na kukkiriza mu ye Kigambo.
  - Tulina kuba nga tweyawudde so si kufaananyirizibwa nsi, (Bar 12.2; 2 Kol 6.14-18).
  - Okwagala ensi si kwe kubeera n'okwaagala kwa kitaffe (1 Yok 2.15).
  - Okusiigibwa amabala g'ensi kubeera kw'onooneka (Yak 1.27).
  - Okuba mu mukwaano n'ensi kwe kubeera omulabe eri Katonda era okuba omwenzi (Yak 4.4).

- Tanona mwenzi.

Anyogoganga tanyogoga ayokya nga tayokya, atalina kawoowo akokwaagala okwasooka.

- Naye Ekkanisa ya Lawodikiya eyennaku ezoluvanyuma tekomye bukomi ku kuba yansi kyokka ,naye:
  - Yali tenaba kuleka kwagala okwasooka, nga ekkanisa ya Efeeso (Kub 2.4)
  - Ennyogoga ate nga tennyogoga eyokya so nga ate teyokya (yakibogwe), ekola egayaala tessaamu kwagala, terina birowoozo byabuziba kw'ekyo ky'ekola awamu n'okwagala (Kub 3.15-16).

- Obwa kibogwe bwaayo bwalabika butya?
  - Ku ndowooza yaayo ku Kigambo kye.
  - Okwaagala Katonda kuba kwaagala Kigambo kye. (1 Yok 4.3; 2 Yok 6; Jn 14.15, 23).

- Obwakibogwebwe buyinza kuterezebwa/kugololwa butya?
  - Kiki Omyoyo omutukuvu kyawanjagira Lawodikiya owakibogwe? Era nga kyekimu n'eri e Kkanisa ya Effeeso: Wenenye (Kub 2.3; 3.19), kwekugamba Kukomawo.
  - Kukyuuka kudda ku ki? Eri ekigambo ekyasooka ekyawebwa kuntandikwa (2 Yok 6).

- Omukazi gw'anona yanaaba nga yewereddeyo ddala eri ekigambo kye.

Nga agondera okwaagala kwe ne Kigambo

- Akomawo okunona omukazi oyo agondera okwaagala kwe, kwekugamba e Kigambo kye.

- Naye e kkanisa ya Lowodikiya eyekiseera ekisembayo bweti bweri:
  - Tetambudde nansi kyokka, nga bwe kirabikira mu bwenzi bwayo obw'omyoyo n'ensi.
  - Wadde okubeera ey'ekibogwe nga bwe kirabikira mu ndowooza yaayo ey'ekisaazisaazi eri e Kigambo Kye.
  - Kkanisa endalu eziyiza era eyagalira ddala okujeemera ekigambo Kye.

- Mu biseera ebivannyuma , abakkiriza abaatula bagenda kuba:
  - Baziyiza amazima (kwekugamba ekigambo, Yok 17.17) (2 Tim 3.8).
  - Bagenda kukyuusa amatu gabwe obutawulira mazima (2 Tim 4.3)

- Ngolunaku lwa Kristo terunatuuka waligenda kubaawo obujeemu obungi /oba okugaana okugondera ebiragiro (2 Bas 2.3).
  - Obujeemu nga bulwanyisa ani? Nga bulwanyisa omutwe, Yesu
  - Yesu yani? E Kigambo (Yok 1.1; Kub 19.13)
  - Yesu, Ye Kigambo, Aligenda kubeera bweeru wa Kkanisa Ye (Kub 3.20).

- Obujeemu bujja kutuuka wala nnyo :
  - Tebabeere batono abanakyuuka okuva ku mazima.
  - Bujja kutwaaliramu n'abakulembeze (2 Tim 4.3)

- Kiriba kibi nnyo nti ne Yesu yabuuza nti ob'alisanga okukkiriza bwalidda (Luk 18.8).
    - Kukkiriza ki? Okukkiriza okwasooka (Yud 3), nga bwe kwaali mu ntandikwa.

3. Omugole ow'ekiseera eky'enkomerero gwanoonya

Abo abawanguzi

- Omulembe gwe Kkanisa ogusembayo, gworeka kifaananyi ki ku kkumi eky'ekiseera eky'enkomerero!
    - Etambula ng'ensi bwetambula, Yakibogwe era njeemi.
    - Ekivudde mw,ebyo , efuna obulimba obukyasinze okuba obunji ennyo mu byafaayo byonna (2 Bas 2.9-11), N'amataba g'emyooyo egisendasenda ne banabbi ob'obulimba, nga bakola ebyewuunyisa ebingi ebinene (Mat 7.22-23; 24.11, 24; 2 Tim 3.8-9; Kub 13.11-17).

- Tekyewuunyisa kubanga Baibuli egamba nti ebiseera ebyakabi ennyo birijja mu biseera eby'oluvanyuma (2 Tim 3.1)!

- Mu kifaananyi ekiribwe kityo, bwajja, anaasanga omukazi ye gwanoonya?

- Yee! Ne mu Lewodikiya, etarimu kintu kirungi kigyogerwaamu, bawanguzi (Kub 3.21), abo:
    - Abeyawula kunsi, abatalina nkolagana ey'obwenzi nayo

- Abalongoofu era abalina essuubi n'okuyayaana nokukkiriza mu bwesigwa obwannama ddala eri awasa omugole, e Kigambo. Abagondera okwagala Kwe abatali bajeemi oba abaziyiza.
- Abaawula emyoyo, abatalimbibwa mataba g'obulimba obw'ekiseera eky'enkomerero.

- Omugole omutuufu awangula atya?
  - Nakigambo (1 Yok 2.14).

- Yenyweereza ku kukkiriza / ekigambo ekyasooka, kwe kugamba okwaagala kwe okwasooka,
  - Bwekityo ddala nga ekkanisa eyasooka bweyayimusibwa okukolera mu bwenyi bw'okulumbibwa kw'emyoyo egy'obulimba
    (Yud 3; 1 Tim 1.3; 4.16; 6.20-21; 2 Tim 2.2; 3.13-4.2).

- Apima ebintu byonna ng'akozesa ekigambo eky'oluberyeberye (Bag 1.8-9), Si mu ngeri yakyamagero, bubonero,na byewuunyo
  (Mat 7.21-23; 24.11, 24; 2 Kol 11.13-15; 2 Tim 3.8; 2 Bas 2.9-11).
  - O Nga ddala Bba awasa omugole bwaali (Mat 4.4, 7, 10; Kub 19.13, 15).
  - O Nga ddala ekkanisa eyasooka bwe yali (Kub 2.2; 1 Yok 4.1).

- Obuyinza bw'omugole obusembayo mu byonna bulimu ekyawandiikibwa kyogera kiya?
  - Bwatyo ddala ng'omwaami we bwaali (kwe kugamba Mat 12.3; 22.29)

- Nga ddala Pawulo bweyali, omutume eri abmawanga mu mulembe gwe kkanisa eyasooka (eky'okulabirako Bar 4.3; Bag 4.30).

- Namaanyi ki, mwalinywerezebwa okusobola okunyweeza, n'okuyimirira mu bugumu okwogera ekigambo kya Katonda mu nnaku zino ez'oluvanyuma?
  - Namyoyo (Luk 21.15; Bik 6.10; 2 Tim 1.13-14; Bef 6.17; Yer 5.14 + Kub 11.5).
  - Omyoyo y'omu eyaluŋŋamya era Ali mu Kigambo (2 Tim 3.16; 2 Pet 1.21).
  - Ddala ng'omwaami we (Yok 6.63; 2 Bas 2.8; Is 11.4).

- Era Omyoyo ow'omunda oyo y'omu aligenda kumuluŋŋamya era amuwe okwaawula bwasisinkana obulimba obw'amaanyi obw'ekiseera eky'enkomerero (1 Yok 2.20, 27; 4.1, 4; 1 Kol 12.10).

  - Ki ekyasuubizibwa, mu Kkanisa ya Lawodikiya ey'omulembe ogusembayo, eri omuwanguzi awuliriza eddoboozi Lye n'amwaniriza? Nayi….na….wamu naye, naye nange. (Kub 3.20).

  - Kyaggulo ki ekyo? Eky'eggulo eky'embaga y'omwaana gw'endiga! (Kub19.9)
  - Yagamba nti talinywa n'akatono kw'ogwo ogubala ku muzabbibu okutuusa mu bwakabaka, obwakabaka obwo bwe tuluubirira bwetumenya omugaati (Mat 26.29; 1 Kol 11.26).

Mwe muli ba Katonda, abaana abato, era mwabawangula:
Kubanga Ali mumwe asinga okulu oyo Ali munsi.
(1 Yok 4.4).

OKWETEEKATEEKA

Omukyaala we yeeteeseteese

- Ekkanisa entuufu yeteekateeka etya okusobola okwanjulibwa yo eri omwaami waayo?
  - Na ddoboozi ery'obunabbi
  - Na kigambo era n'Omyoyo

Yateekebwateekebwa na ddoboozi eryobunabbi

Omugole ku kujja okwasooka yateekebwateekebwa omubaka ow'obunabbi eyatumibwa okumuteekateeka (Luk 1.17).

- Yetegeka atya? Nga agondera okuwanjaga kwomubaka okw'okuteekateeka ekkubo lya Mukama (Mak 1.2-3).
- Yateekateeka atya ekkubo? Nga yeenenya (Mat 3.2) kwekugamba okuddayo kw'ekyo kye baali baakyuuka okuvaako, Ekigambo eky'oluberyeberye.

- Omugole ow'ekiseera ekimbayo naye yeteekateeka /Yetegeka (Kub 19.7; 21.2).
  - Atya? Nga ku kujja okwasooka, nga awulira eddoboozi ery'obunabbi erimuyita okudda eri entandikwa, okudda ku kigambo ekyannama ddala ekyasooka (Mal 4.5-6; Mat 17.10-13).
  - Nga ddala eddoboozi ly'abatume mu ndagaano empya eri e kkanisa eyasooka nga amaloboozi amalala bwe gagezaako okusendasenda okuva ku kigambo ekituufu eky'oluberyeberye (Yud 3; 2 Pet 3.1-2; I Yok 2.7, 24; 2Yok 6; Gal1.8).

Yatekebwateekebwa na Kigambo era na Mwoyo.

- Omugole we ategekeddwa n'ekigambo era n'omyoyo, wa bweeru ne munda okwanjulibwa:
  - Aziddwa obuggya, anaazidwa, ayonjedwa era atukuziddwa
  - Alina okuba nga taliiko bbala, taliiko kyakunenyezebwa, bbala oba enfunyiro (Bef 5.25-27).

Alongoseddwa

- Nga tanaba kwanjulibwa eri Kabaka ow'ensi, Eseza yatwaala ebiseera bingi nga yerongoosa ye mwene.
  - Atya? Namafuta ag'omugavu (Es 2.12).

- Naye bw'ali bwatyo omugole alindirira okwanjulwa eri Kabaka wa bakabaka (1 Yok 3.3).
  - Atya? Nga agondera e Kigambo (1 Pet 1.22).
  - N'amaanyi agalongoosa ag'ekigambo Y'omwoyo mutukuvu. (1 Pet 1.22).

Anaaziddwa atukuziddwa era

- Ng'okusisinkana Katonda tekunabaawo mu ndagaano, abantu banaabanga era n'ebakyuusa ebyambalo byabwe (Lub 35.2; Kuv 19.14).

- Nga tanayambala oba okuyingira mu nnyumba ya Katonda bakabona b'endagaano enkadde banaazibwanga, ne batukuzibwa, era ne balongoosebwanga n'amazzi

amatukuvu agaabawebwanga, amazzi ag'omwoyo ag'omu bbenseni ey'okulongoosezamu (Kuv 29.4-5; 30.20; 1 Kol 10.4).

- Mu ngeri yemu omugole, nga tanaba kwanjulibwa n'okuba ng'atwalibwa mu kifo bba gyabeera, aganabeera amakage gye bujja asooka kunaazibwa, n'atukuzibwa era n'alongoosebwa. Atya?
    - N'amazzi ag'ekigambo (Bef 5.26; Yok 15.3; 17.7; Zab 119.9; 1 Pet 1.22).
    - N'amazzi ag'omwoyo (1 Kol 6.11; 2 Bas 2.13; 1Pet 1.2, 22).8

Okuzza obuggya okw'omyoyo

- Amaanyi ag'okulongoosa n'okutukuza ag'ekigambo n'omwoyo nago gayitibwa kuddizibwa buggya okw'omyoyo.
    - Omugole abeera addizibwa buggya omwoyo omutuvu buli lunaku (Tit 3.5; 2 Kol 4.16).
    - Okuzza kuno obuggya ku mukyuusa okumuzza mu kifaananyi kya bba (Bar 12.2; Bef 4.23-24; Bak 3.10)
    - Bw'atyo, mu kifo ky'okugaana amaanyi ag'obwakatonda ng'ekkanisa eyatula ey'ekiseera eky'enkomerero (2 Tim 3.5), ye omugole teyagagaana era n'akituukako.
    - Ekiva mw'ekyo, afuuka agabana ku mbala entukuvu ey'obwakatonda (2 Pet 1.3-4).

Ataliiko bbala, nfunyiro /nkanyanya oba eky'okunenyezebwa (Bef 5.27)

- **Enkanyanya /enfunyiro:** Ekizigo ekisinga okuba ekirungi mu kulwanyisa enkanyanya/enfunyiro gwe mubisi gw'enjuki ogutabudwaamu ebizigo/amafuta.
    - Eky'omwoyo ekyenkana nakyo ky'ekigambo kya Katonda n'omwoyo.

- Mu bulamu obwabulijjo, amabala n'eby'okunenyezebwa bwe bukyaafu ebwetaaga okunaaza okusukka ku kunaaza okwokungulu mu kulongoosa.
    - Enkanyanya ziva mu bukyaafu obufulumizibwa okuva mu mubiri okuyita mu musaayi, ogubusuula mu butuli obw'omubiri.
    - Obucaafu obwo nabwo busobola okuggyibwaamu n'omubisi gw'enjuki ogutabuddwaamu amafuta (kigerageranye Es 2.12).

- Nga bwekibeera mu mubiri era bwekibeera bwekityo ne mu mwoyo. Amabala ag'omwoyo n'ebyokunenyezebwa biggyibwaawo namaanyi amangi agebintu ebyeyambisibwa okulongoosa:
    - Obucaafu obusooka buggyibwa mu mubiri okuyita mu maanyi agalongoosa ag'omusaayi (Beb 10.29).
    - Olwo **omubisi ogutabuddwaamu ebizigo/amafuta (ekigambo n'omwoyo)** bikozesebwa okusika eby'okunenyezebwa okuva mu butuli obw'omubiri.

Byonna eby'ekitiibwa ebirimu (Zab 45.13)

- Omugole takoma kukyakwerongoosa wabweeru kyokka, naye ne munda.
- Eky'okulabirako:
    - Akamwa ke (akoolesa ebiri mu mutima) (Luk 6.45):

- Abantu abamu balina akamwa akawunya (Bar 3.13); nga kafulumya obuli bw'enguzi, ekivundu n'okufa (Nge 18.21; Bik 9.1).

- Naye akamwa k'omugole kajjudde omubisi gw'enjuki n'amata (Lu 4.11) ekigambo (Zab19.10; 1 Pet 12.2) n'emikisa gyonna egyensi (Kuv 3.8).
    - Amaaso ge (tabaaza ya mubiri, ebikkula ebiri munda) (Luk 11.34):

- Awasa omugole awambibwa amaaso ge (Lu 4.9; 6.4-5).

- Lwaki? Aba alaba maaso ga jjiba (Lu 1.15), kwekugamba maaso makkakamu era mawulize.

Ekisembayo...

- Si mugole yekka ayeteekerateekera embaga ejja.

- Awasa omugole naye yeteekateeka.
    - Embaga ey'obugole etegekeddwa (Mat 22.4).
    - Amaka ag'ebiseera ebijja ekifo ekyategekebwa kulw'abantu abeetegefu gateekebwateekebwa (Yok 14.2-3; Beb 11.16; Mat 25.34; 1 Kol 2.9).

EKIROWOOZEBWA

Amazima ddala nkomawo mangu. Amiina. Kibe bwekityo, jjangu, Mukama wange, Yesu (Kub 22.20)

Kino bombi kibabaako

- Ekiseera okuva ku kukkiriza obufumbo okutuuka ku bufumbo bwennyini kiba kiseera kyabuziba mu birowoozo eby'okusuubiragana n'okwagalana ennyo.

- Bombi basuubirira mu kwagala lw'anajja okumukima:
  - Okwagala kwomugole eri omwagalwa we ataliiwo kuba kwa buziba (1 Pet 1.8; Lu 8.14);
  - Omwagalwa ajjukira okwagala kwe okwasooka (Yer 2.2; Lu 3.11), era nga ayayaana okumufuna babe wamu naye (Lu 2.13-14; 4.8-9).

- Ebiseera ebimu okutebereza mu birowoozo kusukka kubanga,
  - Omugole ayinza okuba nga talabanga na ku bwenyi bw'oyo agenda okumuwasa nga tebanafumbiriganwa (Lub 24; 1 Pet 1.8),
  - Yadde awasa omugole okulaba ku bwenyi bw'omugole okutuusa nga obufumbo bumaze okutuukirira (Lub 29.21-25).

Kino kiba ku mugole yekka

- Omugole alindirira mu kwaagala si kaddaali buddaali (2 Tim 4.8), oba obununuzi obujjuvu (Beb 9.28), oba okuweebwa ekitiibwa (1 Yok 3.2) oba n'okulaba ekitiibwa kya bba (Tit 2.13), <u>naye olunaku olw'embaga</u>.

  - Okukaaba kwe (Kub 22.17; Lu 8.14)
  - Okwanukula kwa bba (Kub 22.20a)
  - Okwanukula kwe okw'okwagala (Kub 22.20b)

Kino kiba ku awasa omugole

- Ebirowoozo bye eri omugole byabikkulwa ku kyeggulo ekyasembayo (Mat 26.26-29).
    - Yatunuulira ku lunaku luli lwanaddamu okunyweera awamu naye (Mat 26.29).
    - Lunaku ki? Ku ky'eggulo ekirala, ekyeggulo eky'olunaku lw'embaga (Mat 22.2, 4; Kub 19.9).
    - Oluvanyuma olw'akaseera, yamugamba nti buli kujjaguza okwaaliwo ku kyegulo ekisembayo kwaali:

- Si kwakubeera kyakujjukiza kyokka okwekyeggulo kye ekyasembayo ngali n'omugole nga tanafa, Naye era okuteebereza okw'ekyeggulo ekyo eky'embaga ey'obufumbo ng'amaze okudda okumukima (1 Kol 11.25-26).

Engero ebbiri eza Wm Branham ez'abawala abato abalindirira olunaku olw'okufumbirwa kwabwe

- Omuyizi omumerica asomera e Ruumi,
    - Nga mwesigwa eri muganzi we amwogereza eyali amuteekerateekera amaka mu nsi eyewala.

- Omuwala mulekwa ku ffaamu gaggadde mu US,

- Ngateekateeka era ngafaayo nnyo okulindirira okujja okwasuubizibwa okwomwaami we.

ABAWANGUZI N'EMPEERA YABWE.

- Fenna tujja kwanjulibwa mu maaso g'entebe esalirwaako omusango eya Kristo (Bar 14.10; 2 Kol 5.10).
  - Bonna bajja kuwa embalirira (Bar 14.12).
  - Bonna bajja kufuna kw'ebyo ebyakolwa, ka bibe birunji ka bibe bibi (2Kol 5.10).
  - Empeera/ebirabo biriwebwa (1 Kol 3.13-15; Kub 22.12; Baf 3.14).

- Kigera ki kwetuligererwa?

- Na Kigambo.
  - Ekyo yentebe esalirwaako omusango eya Kristo. Kristo ye Kigambo (Kub 19.13; Yok 1.1, 14).

- N'olwekyo, tutunule ku lw':
  - **Empeera** (Kol 2.18; 2 Yok 8;11 Kol 3.13-15)
  - **Engule** (Kub 3.11)
  - **Ebyambalo** (Kub 3.3; 16.15)
- Tukifuule ekyokulubirirwa kyaffe okumaliriza olugendo lwaffe n'essanyu n'okutuukiriza obuweereza bwaffe,
  - Bwetutyo ddala nga bano bwe baakola:
    - ♣ **Yokaana Omubatiza** (Bik 13.25)

- ♣ **Yesu** (Yok 4.34; 17.4)
- ♣ **Pawulo** (Bik 20.24)

- Era bwekityo ddala nga bwe baweebwa okukola:
  - ♣ **Alukipo** (Bak 4.17)
  - ♣ **Timoseewo** (2 Tim 4.6)

- Ku nkomerero z'ebiro byaffe, tusobole okuddamu ebigambo bya Pawulo ebyasembayo eby'obuwanguzi (2 Tim 4.7):
  - **Mmalirizza olugendo lwange** (Baf 3.13
  - **Nwaanye okulwaana okulungi**, kwekug. okulwaana okw'okukkiriza okwasooka (1 Tim 6.12).
  - **Okukkiriza nkukuumye**, kwekug.okukkiriza okumu era okw'enkomeredde eri abatukuvu (Yu 3)
- Tubeere abasaanira ebigambo eby'omukisa ebiva eri Ye atatendereza muntu yenna wekitasaanira:
  - Okoze bulungi, omuweereza omulungi era omwesigwa (Mat 25.21, 23).

OBUFUMBO BW'OMWAANA GW'ENDIGA BUTUUSE

- Ku nkomerero, olunaku lutuuse,
  - Olunaku omugole kwalyanjulirwa eri Awasa omugole (Bba).
  - Olunaku omugole lw'abadde aluubiridde n'alindirira n'okugumikiriza okuwanvu (Yak 5.7).
  - Lunaku era omugole lw'anoonyezza (Tit 2.13), lw'alindiridde n'okufaayo ennyo (1 Kol 1.7; Beb 9.28; Baf 3.20) era lw'ayagadde (2Tim4.8).

Okuleekaana okw'emirundi ebiri

- Ekiseera bwe kisembera okumpi ddala, eddoboozi ely'okuleekaana okw'emirundi ebiri egy'omwanguka kuwulirwa.
    - Kumu ku nsi, nga kuyita mu bwangu obw'ekitalo nti mwetegekere okujja kw'Awasa omugole.
    - Kumu mu Ggulu, nga licamusa era nga liwuliza essanyu nti ekiseera ekyembaga ey'obufumbo bw'eggulu kituuse.

Ku nsi

- Nga bwe kyaali ddala ku kujja okwasooka ababaka be baalangirira, ebintu byonna biwedde okutegeka (Mat 22.3-4);

- Bwekityo ku kujja okwokubiri alangirira amawulire amalungi alangirira, Laba, Awasa omugole ajja; mufulume okumusisinkana (Mat 25.6).

Mu Ggulu

- Eddoboozi eryekibiina enene, ngaliringa eddoboozi eryamazzi amangi ne laddu ezamaanyi,
  Livuga: Obufumbo bw'omwaana w'endiga butuuse, n'omukyaala we yeteeseteese (Kub 19.5-7).
  Awasa omugole ajja okunona omugole we

- Awasa omugole aleka Namulondo ye nakka mu buntu (1 Bas 4.16) okunona omugole we.

- Ekkondeere lijja kuvuga, nga bwe kyaali Mukama lwe yakka ku Sinai (Kuv 19.16; 1 Bas 4.16).
    - Eddoboozi ery'ekondeere bweririvuga tujja kukyuusibwa / okuwanyisibwa endabika yaffe (1 Kol 15.51-4).
        - ♣ Kukyuusibwa tutya? Okudda mu kifaananyi kye, Bwetumulaba (1 Yok 3.1-2; Zab 17.15; 90.17).
        - ♣ N'omubiri gwaffe gujja kuba ng'ogugwe (Baf 3.21).

- Ajja kuddira mu bire era ddala nga bweyagendera mu bire (Bik 1.9-11; Mat 24.30; 26.64)
    - Lwaki? Ebire ge magaali Ge (Is 19.1; Kub 14.14).

- Era bwatyo nga bwakkira mu bire n'omugole we bwayimusibwa bwatyo mu bire.
    - Lwaki? Nga bweyasindika emagaali ery'omuliro okunona Eriya, Atuma amagaali agebire okumuwanirira waggulu okusobola okusisinkana na ye mu bbanga (1Bas 4.17; kigerageranye ne Kuv 11.12; 2 Bassek 2.11).

Eky'eggulo eky'embaga ey'obugole

- **Embaga ez'obufumbo obw'ensi gyabeeranga mikolo gyanjawulo** (Lub 29.22; Yud 14.12; Es 2.18).
    - Era Yesu bweyabangayo, enkomerero y'omukolo yabanga nsuffu okusinga entandikwa yagwo. (Yok 2.10).

- Kiki ate ekirirobera ekijaguzo ky'ekyeggulo kyembaga ey'obufumbo bw'eggulu? (Mat 22.1-12).

- Ekyeggulo kino kimaze ebbanga ddene nga kirindirirwa bano bombi Omugole n'Awasa omugole:
    - Awasa omugole yayogera ku ky'eggulo ekyasembayo okusinziira ku ndaba ye nga bwebiriba eby'olunaku luno (Mat 26.29).
    - Omugole abirindirira buli mulundi gw'amenya omugaati (1 Kol 11.26).12

Awasa omugole

- Ku nkomerero, olunaku olw'ekitiibwa lutuuka!
    - Tujja kumulaba nga bwaali (1 Yok 3.2).
    - Amaaso go galilaba Kabaka mu bulungi bwe (Is 33.17).

Amaaso Ge (Kuv 22.4)

- Kyogerwa ku Musa nti Katonda yayogeranga naye maaso ku maaso (Kuv 33.11).
    - Naye ate ne bweyamulabanga teyamulabanga bujjuvu bwamaaso Ge (Kuv 33.23).

- Okutuusa leero, tulinga Lebeeka, eyakola endagaano y'obufumbo naffe /atwogereza tetulabanga ku bweenyi bwamaaso Ge (Lub 24).

- Era nga Lebeeka, twagadde omwami waffe oyo atalabika oluvanyuma lw'okuwulira obujulizi obw'obwakatonda nga bunyweezebwa omu ku baweereza be (1 Pet 1.8).
- Naye kati, ku nkomerero, tujja kulaba amaaso ge (Kub 22.4).

Ekitiibwa kye (Yok 17.24)

- Kijja kubeera ng'enjuba (Zab 19.5; Kub 1.16; Mat 17.2).
  - Kyaaka nnyo okusukka ekigera ky'enjuba ekisembayo okwaakayakana (Bik 26.13).
  - Tetusobola na kuyimusa maaso gaffe kutunuulira okwaakayakana kw'enjuba yaffe mu mubiri gwetulimu kati. Naye mu mubiri gwaffe ogununuliddwa tujja kutunuulira ekitiibwa kye (Yok 17.24; Yud 24).

Okulunjiya/okutona kwe

- Kitujjukiza obuweereza bwe obw'obwakabona. (Mu lulimi lwa Baibuli Is 61.10 agamba "ng'awasa omugole bw'aweereza nga kabona nga lina eky'okubikkako ku mutwe gwe/ekiremba.")
  - Lwaki "nga kabona"? Lwakubanga bambala ebyambalo eby'obulungi n'ekitiibwa (Kuv 28.40).
  - Lwaki "n'eky'okubikka ku mutwe/ekiremba"? Olw'okubanga kiri ku mutwe gwe ng'engule ey'obulungi n'ekitiibwa (gerageranya ne Lu 3.11; Beb 2.10).

- Nakaloosa ak'ebyambalo bye (Zab 45.8) kaali kajjukiza akawoowo akamafuta amatukuvu ag'okufukako ku byambalo bya kabona (Kuv 40.15).

Ebiwundu bye

- Buno bw'ebufumbo obutali bwa mpologoma ya kika kya Yuda (Kub 5.5), naye obw'omwaana w'endiga (Kub 19.7).
    - Lwaki kino kukulu? Olw'okubanga omwana gw'endiga gwalabibwa ng'ogwaali guttiddwa (Kub 5.6) kwe kugamba, nga guliko obubonero obw'okufa kwagwo.
    - Obubonero obw'ebiwundu ebyo eby'omubiri oguvunda byoleka obuziba bw'okwaagala kwe n'omuwendo gweyasasula okuwangula omugole we (gerageranya ne Is 49.16).

Omugole

Nnaakulaga omugole (Kub 21.9), ngakitegekeddwa ng'omugole ayonjereddwa bba (luny 2)

Ekyambalo kye ekyembaga: omugole ayinza okwerabira ebyambalo bye? (Yer 2.32)

- **Ayambaziddwa bafuta ennungi, etukula era enjeru (Kub 19.8)**
    - **Ayambaziddwa**: ngabikiddwa bulungi, ng'abikka ku nsonyi ez'obweerere (Lub 3.8-10).

- ♣ Nga tali nga Lawodikeya enzibe yamaaso, nga tamanyi nti alibweerere (Kub 3.17-18). **Bafuta ennungi**: egoba entuuyo, ezijja olw'ekikolimo (Lub 3.19; Ez 44.18)**.**
- **Ennyonjo**: eteyonoonebwanga, etessibwangako bbala lya mubiri oba ensi (Yud 23; Yak 1.27).

- ♣ Eyafunibwa okuva eri oyo awasa omugole (Kub 3.18) era nagitukuza n'omusaayi gwe (Kub 7.14; 1.5).
- ♣ Kino ky'ekyambalo ky'omuwanguzi (Kub 3.4-5).
  - **Njeru:** si obweeru obwabulijjo, njeru naye eyakaayakana, etangalijja, obweeru obutemagana, ekitangaala eky'okumyansamyansa.

- **Ayambaziddwa n'ebyambalo eby'obulokozi, abikkiddwaako omunagiro ogw'obutuukirivu**
  (Is 61.10)
  - Ani omulala ayambazibwa bwatyo? Bakabona (Zab 132.9, 16). Ne bba w'omugole (awasa omugole)! (Is 61.10).
  - N'olwekyo , ng'ebyambalo bya bakabona, n'awasa omugole bwe biri, n'eby'omugole bwe biri bwe bityo:
    - ♣ Bafuta (Kuv 28.42)
    - ♣ Bikolebwa mikono ejijjudde omwoyo (Kuv31.3,10)
    - ♣ Bifukiddwaako amafuta amatukuvu (Kuv 40.15)
    - ♣ Ku lw'obulungi n'ekitiibwa (Kuv 28.40; Is 52.1; bigerageranye ne Kub 21.11)

- Omugole asobola atya ebyambalo ngebyo?

- ♣ Omwaami we abimuweera bweerere (Kub 19.8, "kyabuwa"; kigerageranye ne Lub 24.53).
- ♣ Teyasasula muwendo gugula gwokka, Naye Ye kennyini yeyali omuwendo ogugula, omusaayi gwe (Kub 7.14). Ekyambalo ekyembaga ekyaali kisinzeyo okuba eky'omuwendo omunene.
    - Okubigatta awamu byonna , omugole ayambaziddwa:
        - ♣ Si na Yesu kyokka (kwekugamba ye yabigula ye kennyini ara n'abimutonera.),
        - ♣ Si nakubeera nga Yesu (kwekugamba nga yambaziddwa nga kabona era nga atikkiddwa engule ey'ekitiibwa),
        - Naye ekisinga okuba eky'omukisa mu byonna, kwekuba wamu ne Yesu.
    - **Omugole,**
        - ♣ Tayambaziddwa mu butuukirivu kyokka (Is 61.10; Kub 19.8),
        - ♣ Naye ayambaziddwa mu Yesu (Bar 13.14; Is 28.5).
        - ♣ Ye bwebutuukirivu bw'omugole (Yer 23.6; 1 Kol 1.30).

Eby'obuyonjo bw'omugole

- Ayambazibwa ebyam'attiribona bingi ddala (Is 61.10; gerageranya ne Yer 2.32).
    - Nga ekyambalo kye, eby'amatiribona bye n'abyo bimuweebwa awasa omugole (Ez 16.12).

- Omugole tatimbibwa butimbibwa n'am'attiribona kyokka

- ♣ Omugole yenyini ttilibona, Ttilibona ly'awasa omugole (Mal 3.17; Is 62.3).

Okujaguza Kw'awasa omugole

- Amakulu g'ekigambo "omugole"amatuufu mu ndagaano enkadde gali nti "atuukiridde". Nga kale kijaawo bulungi!

- Omugole alabika ne kamuwasawe mu kitiibwa. (Kol 3.4).
  - Ekyambalo kye kitemagana.
- Naye ekitiibwa kye n'obulungi, si bya kungulu kwokka (1 Tim 2.9), naye bya munda (1 Pet 3.3).
  - Teri biri kuye nakumwetooloola kyokka, naye bituntumuka okuva munda mu ye.
  - Era ddala nga Yesu bweyali mu kuwanyisiganya endabikaye.
- **Omugole:**
  - Taliiko bbala, atayonoonebwanga (Lu 4.7; 5.2).
  - Si mulungirungi kyokka, oba n'okuba omulungilungiko asingayo, naye yenna yenna mu byonna mulungi (Lu 1.15; 1.8; 4.7).
  - Si kubaako kitiibwa kyokka (Bef 5.27) Naye ng'ali kitiibwa yenna (Zab 45.13); ng'ajjudde ekitiibwa (1 Pet 1.8).
- Amazima awo waba tewakyayinza kubaawo birala. Abeerera ddala atuukiridde: yenna kitiibwa, yenna mulungi.
- Naye ekisanyusa, awasa omugole amulaba ng'ekintu ekisingawo nawo obulungi.
  - Talaba kutuukirira kwe kwokka, obutabaako bbala, omugole yenna owekitiibwa.

- Abeera yeraba ddala ye mwene.

- Ali nga ye bwaali (Ez 16: 14; 1 Yok 3.2; Zab 17.15).
  - Atalina kimubulako (Kol 2.10) era atuukiridde mu Ye (Col 1.28).
- Okufanagana okwo kusangibwa mu buli kyonna ekimuliko:
  - **Endabika yonna eyawamu:** atemagana ng'enjuba (Zab 19.5 + Mat 13.43).
  - **Ekyambalo ekyembaga:**
- Si kyambalo bwambalo ekyekitiibwa kyokka, naye eky'ekitiibwa Kye (Yok 17.22; 2 Bas 2.14).
- Ekitiibwa ng'ekikye: Kitangalijja, ngejjinja yasepi (Kub 21.11; 4.3).
- Awasa omugole tayambaza bwambazi mugole kyokka naye ye yennyini yaaba ayambadde omugole (Bar 13.14).
  - **Obulungi:** Obulungi bw'omugole tebuva buvi mu awasa omugole. Wabula bulungi bw'awasa bwennyini (Saba Yok 16.14)
  - **Amaaso:** Amaaso g'omugole gamusikiriza, gamusanyusa, gajjudde okwagala (Lu 4.4). Lwaki? Galinga agage (Lu 4.1; 5.12).
  - Akawoowo komugole ke kawoowo Kawasa omugole Ye mwene. (2 Kol 2.15).
- Tekyewuunyisa awasa omugole ayaayanira nnyo obulungi bw'omugole (Zab 45.11).
- Tekyewuunyisa ebiva mu kweteekateeka kw'omugole bi musanyusa (Lu 4.8-12, 15).
- Amusanyukira nga abuukabuuka olw'essanyu lyalina gyaali (Is 62.5).
  - Awatali kubuusabuusa era asanyuka n'okuyimba (gerageranya ne Zef 3.17).
  - N'eddoboozi eddungi erya Kub 5.11 teryandiyinzizza kugerageranyizibwa nakwo!

Embaga ng'ewedde

- Okumatizibwa kw'awasa omugole okujjuvu kulabirwa mwekyo kyatwaala mu maka Ge okubeeranga awamu naye emirembe gyonna (Kuv 24.67; 1 Bas 4.17; Yok 14.3; 17.24).

- Amaka ago, we watukuvu Wa watukuvu (Kub 21.16, 18, 21; 1 Bassek 6.20, 21-22, 28, 30).
- Eyo abeerera ddala omu mu bujjuvu ng'ali naye.
    - Nga agattidwa naye, baba myoyo gumu wamu naye (1 Kol 6.17; gerageranya ne Kub 22.17).
    - Nga Kaawa, omugole eyasooka, oluberyeberye yali mu Adam (Lub 2.21-23; 5.2), n'olwekyo omugole w'omwaana w'endiga gumba ery'egumba lye, mubiri ogw'omubiri gwe (Bef 5.30).
- Awo, awasa omugole Ali bumu n'omugole yenna era ne mu byonna (Bak 3.11).
    - Ye si ssuubi lya mugole kyokka (1 Tim 1.1); wabula Ye bwe bulamu bw'omugole bwennyini (Bak 3.4; 2 Tim 1.1).
    - Omugole si kya busika bwawasa omugole kyokka (Ma 32.9; Bef 1.18), Naye awasa omugole Wa mugole (Zab 16.5).
    - Ye mwene, kirabo kya mugole (Baf 3.14) era empeera ye (Lu 15.1). (Gerageranya ne Kub 2-3, awali empeera y'abawanguzi nga ye Yesu mwene.)
    - Mu bufunze, Ye byonna eri omugole era ne munda w'omugole, buli wamu era mu buli kiseera (Bef 1.10).

Kiwedde. Nze (Alpha) era (Omega), Entandikwa era Enkomerero. (Kub 21.6

Era bwekityo, jangu, Mukama waffe Yesu (Kub 22.20)

Okufundikira: William Branham yayolesebwa emirundi 2

1. **Okusukka olutimbe okw'ekiseera**
    - **Olutalo lufunvubireko. Kinasaanira kukola byonna.**
2. **Okwolesebwa okw'omugole.**
    - **Sigala mu ntambula entuufu gyewaweebwa! Tomagamaga.**